# OMUGANDA OMUTUUFU Y'ANI?

**EBIKA BY'ABAGANDA**
Abaganda baawulwamu okusinziira ku ngeri gyewajjamu mu Buganda era n'engeri gye baakufuulamu. Abaganda n'olwekyo amannya ag'enjawulo gaabayitibwanga era nga ge gano

- **OMUGANDA**
  Omuganda ye muntu alina ensibuko ye mu Buganda era ono tayongerezebwako kawakatirwa konna

- **OMUGANDA WAWU**
  Ono mukusooka aba teyali muganda wabula aba alina gye yava mu ggwanga eddala wabula empisa z'eggwanga lye ne bazimuwawulako olwo n'afuuka omuganda era n'ayiga empisa z'ekiganda.

- **OMUGANDA GGERE**
  Ono aba aliko gye yava ebigere bye ne bimutuusa e Buganda. Olwo n'atuula e Buganda n'ayiga empisa z'ekiganda n'ayitibwa omuganda.

- **OMUGANDA KASWA**
  Ono aba yali wa ggwanga ddala naye bwalwa mu Buganda n'atandika okulya enswa olwo n'afuuka omuganda kaswa. Anti ab'amawanga amalala abamu tebalya nswa.

- **OMUGANDA DDALA**
  Ono ye muntu aba yajja ng'ava yonna gye yava n'afuuka muganda naye ng'alinayo eggwanga eddala mwe yava ettuufu.

**GGWE OGWAWA?**

## EKITIIBWA KYA BUGANDA

1. Okuva edda n'edda eryo lyonna,
   Lino eggwanga Buganda,
   Lyamanyibwa nnyo eggwanga lyaffe,
   Okwetooloola ensi yonna.

   *Ekiddibwamu*
   **Twesiimye nnyo, twesiimye nnyo,**
   **Olwa Buganda yaffe,**
   **Ekitiibwa kya Buganda kyava dda**
   **Naffe tukikuumenga.**

2. Abazira ennyo abaatusooka,
   Baalwana nnyo mu ntalo,
   Ne balyagala nnyo eggwanga lyaffe,
   Naffe tulyagalenga.

3. Ffe abaana ba leero ka tulwane,
   Okukuza Buganda,
   Nga tujjukira nnyo bajjajja baffe,
   Baafiirira ensi yonna.

4. Nze nnaayimba ntya ne sitenda,
   Ssaabasajja Kabaka,
   Asaanira afuge obuganda bwonna,
   Naffe nga tumwesiga.

5. Katonda omulungi ow'ekisa,
   Otubeere Mukama,
   Otubundugguleko emikiso gyo era,
   Bbaffe omukuumenga.

***Weetegereze***

- Ekitiibwa kya Buganda kyayiiyizibwa Reverend Polycarp Kakooza ey'eddira ente mu 1939.
- Ekitiibwa kya Buganda tekirina Kuyimbibwa essaawa nga zisusse ekkumi n'ebbiri ez'akawungeezi
- Ekitiibwa kya Buganda kiyimbibwa tuyimiridde ate tukiyimbisa bwagazi.
- Kabaka yekka y'atalina kukiyimba kuba kibeera kisuusuuta ye wamu n'obuganda.
- Omukolo kabaka kwali, ebitundu byonna biteekeddwa okuyimbibwa.

- Omukolo kabaka kwatali, ebitundu nga bisatu (ekisooka, eky'okuna n'eky'okutaano)

## GGULAAMA N'ENKOZESA Y'OLULIMI

### WALIFU Y'OLULIMI OLUGANDA (THE ALPHABET)

Walifu z'ennukuta ezeeyambisibwa mu mpandiika y'oluganda entongole. Ennukuta zino ziri abiri mu mukaaga (26) era zaawulwamu ebika / ebiti bibiri.

a) Empeerezi/ enjatuza/ enjogeza (Vowels)
b) Ensirifu/ ensiru(consonants)

Walifu enzijuvu efaanana bweti

**Walifu mu nnukuta ez'ekyapa/ ennene**

A E I O U

W Y C H ŋ

B P V F M

D T L R N

Z S J G K

NY

**Walifu mu nnukuta entono**

a e i o u

w y c h ŋ

b p v f m

d t l r n

z s j g k

ny

## EMPEEREZI/ ENJATUZA/ ENJOGEZA (VOWELS)

Zino z'ennukuta eziyamba okuwa eddoboozi era wezitali, tekisoboka kufuna njatula ya bigambo era y'ensonga lwaki ziyitibwa enjatuza.

Ziri ttaano zokka era ze zino

**A E I O U**

## AMATEEKA AGAFUGA EMPANDIIKA Y'EMPEEREZI

Bwetuba nga tuwandiika ennukuta empeerezi waliwo amateeka ag'enjawulo agagobererwa era nga ge gano;

1. Empeerezi ebbiri tezitandika kigambo mu luganda okugeza
   **Aa**bawala    Abawala
   **Ee**ryato    Eryato
   **Oo**mwana    Omwana
2. Empeerezi ebbiri tezisemba / tezikomekkereza kigambo okugeza
   Amaal**oo**    Amaalo
   Ekit**ii**    Ekiti
   Obubb**ii**    Obubbi
3. Empeerezi ezitafaanagana teziwandiikibwa mu kifo kimu okugeza
   Ab**ai**zi    Abayizi
   Ek**ia**lo    Ekyalo
   Om**ua**na    Omwana
   **Weetegereze:**
   Ennukuta zino bwe ziba zaagala okwerinaana , olwo tweyambisaawo Nnampawengwa **W** oba **Y**
4. Empeerezi ezifaanagana zisobola okuwandiikibwa awamu mu kigambo okugeza
   M**aa**ma
   L**ee**ta

Wand**ii**ka
Amat**oo**ke
Muw**uu**lu

5. Empeerezi **“i”** ne **“u”** tezitandika kigambo mu luganda okugeza
   **I**ngira          Yiga
   **U**ganda          Yuganda
6. Empeerezi “**a**” “ **o**” ne “**e**” zeezitandika ebigambo mu luganda okugeza
   **A**baana
   **E**nte
   **O**mukazi
7. Mu luganda, empeerezi ezisukka mu bbiri teziwandiikibwa mu kifo kimu.

## OKUWANGAALA MU LUGANDA

Okuwangaala kwe kuwandiika empeerezi ebbiri ezifaanagana mu kigambo mu kifo kimu. Okugeza; amaato, abaana wuuyo, leeta n’ebirala

Nti singa tubeera tulina okuwangaala ate netutakikola, ekigambo kikyusiza ddala amakulu oluusi netumansa entungo olw’obugayaavu mu mpadiika.

### Tuwangaala ddi?

❖ Tuwangaala singa ekigambo mu buttoned bwakyo mubaamu eddoboozi eggwanvu okugeza amal**aa**lo, okus**ee**ra, okuf**uu**ka, okul**oo**la

❖ Tuwangaala singa ekigambo kiba kyagandawaazibwa, nga kyava mu lulimi olulala ne kiddizibwa mu luganda
Shirt (lungereza)          ss**aa**ti (luganda)
Coat (lungereza)          kk**oo**ti (luganda)
Meza (luswayiri)          Mm**ee**za (Luganda)

- Singa erinnya libeera nga lisaliddwako liba liwangaala okugeza
  Ss**<u>ee</u>**mu
  Nn**<u>aa</u>**ka
  Nn**<u>aa</u>**mu
  K**<u>ii</u>**wa
- Nga tuwandiika ekikolwa ekiri mu kiseera ekyayita awamu n'ekyayise mu muntu owookusatu mu bungi tuwangaala okugeza
  B**<u>aa</u>**yimba
  B**<u>aa</u>**soma
  B**<u>aa</u>**wandiise
- Singa tuddiŋŋana ekikolwa ne kifuuka kimu we kyegattira tuwangaalawo okugeza
  Sal**<u>aa</u>**sala
  Tem**<u>aa</u>**tema
  Yuz**<u>aa</u>**yuza
  Lim**<u>aa</u>**lima
- Nga tuwandiika ekikolwa ekiri mu kiseera ekijja tuwangaala kubanga akabonero akalaga ekiseera kino kalimu okuwangaala (-**naa-**) okugeza
  O**<u>naa</u>**yimbira abagenyi?
  Mu**<u>naa</u>**zannya omupiira?
  Tu**<u>naa</u>**mukuba ng'atummye.

## ENSIRIFU/ ENSIRU (CONSONANTS)

Ennukuta z'oluganda zaawulwamu ekika ekirala eky'ensirifu. Zino ze nnukuta ezitasobola kwogera okuggyako nga ziweerekereddwako enjogeza. Zino ziri 21 era ze zino;

w y c h ŋ

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| b | p | v | f | m |
| d | t | l | r | n |
| z | s | j | g | k |
| ny | | | | |

ennukuta zino nga tezigattiddwako njogeza, tezisobola kwatulwa na kuvaamu maloboozi ag'enjawulo, wabula zibeera awo nga zisirise busirisi be ccee. Oluusi ziyitibwa nsiru (nga kasiru bw'atayogera; nazo tezikola ddoboozi, okuggyako nga ziweerekeddwa empeerezi).

**Ebika by'ensirifu:**

Ensirifu era zongera ne zaawulwamu ebika ebirala bisatu era nga bye bino:

1. Ensirifu eza bulijjo.
2. Ensirifu eza nnakinnyindwa.
3. Ensirifu eza nnampawengwa.

**Ensirifu eza bulijjo**

Zino ze nsirifu ezitayongerwako linnya ddala lyonna, era ziri **15** ze zino

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| c | h | b | p | v |
| f | d | t | l | r |
| z | s | j | g | k |

**Ensirifu eza Nnampawengwa**

Zino ziyitibwa bwe zityo, kubanga oluusi zikola ng'empeerezi ate olulala ng'ensirifu. Ziri bbiri era ze zino.

**W** ne **Y**

Amateeka agafuga Nnampawengwa

1. Teziggumira oba teziwandiikibwa wamu nga zifaanagana. Okugeza: **yya, wwa** era ennyingo zino teziriiyo wabula tuba na **ya** na **wa**.
2. Nnampawengwa ebbiri nga tezifaanagana teziwandiikibwa mu kifo kye kimu. Okugeza **wy .**
   **Weetegereze:**
   Ekigambo Nywa, Ny si Nnampawengwa kubanga mu Luganda N ne Y nnukuta emu.
3. Nnampawengwa **w** ne **y** bwe zigattibwa n'ensirifu ne ziwandiikibwa awamu awo teziddirirwa mpeerezi bbiri mu kuwandiika.
   Okugeza: **tya, bwa** so si **bwaa, tyaa**
   Okuggyako mu ddoboozi eriggumira nga liriko nnampawengwa**.** Okugeza **Ggwiiso, ggwaala**. N'ebirala.

# Kyewaggula

Zino z'ennukuta awamu n'ebigambo ebitakkiriziganya n'amateeka agamu;

Ennukuta eya ny ebalibwa ng'ennukuta emu era tekkiriziganya na tteeka lye tulabye waggulu.

Singa ennyingo eba ekoleddwa **gg** ne tugattako nnampawengwa nayo tefugwa tteeka eryo okugeza eggwaatiro, eggwoowo, eggwiiso,eggwoolezo, eggwaawaatiro, eggweesezo n'ebirala

**Weetegereze**

Kewaggula by'ebigambo ebitakkiriziganya na tteeka lya nnampawengwa erigamba nti "nnampawengwa bwe yeeagatta ku nsirifu endala, mu maaso gaazo tetuwangaala"

**Ensirifu eza Nnakinnyindwa**

Zino z'ensirifu ezaatulwa ng'omukka ogusinga obungi guyita mu nnyindo. Ziri **4** era ze zino **m, n, ŋ** ne **ny**

**Amateeka agafuga Nnakinnyindwa**

1. Nnakinnyindwa ezitafaanagana teziwandiikibwa wamu. Okugeza. **Mn, nŋ, mŋ, nyŋ,mny.**
2. Nnakinnyindwa "**ŋ**" buli lwe ziwandiikibwa nga zitandika ekigambo, zibeerawo bbiri **"ŋŋ"**okugeza **ŋŋaaŋa** lyo eddoboozi erisembayo teriggumira.
3. Nnakinnyindwa **m** ewandiikibwa n'ensirifu eza bulijjo bbiri zokka **b** ne **p**
4. Nnakinnyindwa eya **ny** teggumira ng'endala mu kigambo wabula tuwandiika **nny** singa tubeera tulina okuggumira.

**Amateeka agafuga ensirifu zonna awamu**

1. Ensirifu teziwandiikibwa wamu ssatu nga zifaanagana, **mmm** oba **bbb.**
2. Ensirifu teziwandiikibwa nga teziteekeddwako mpeerezi ne ziwa eddoboozi.
3. Ensirifu eza bulijjo teziwandiikibwa wamu okugeza **bda, sta** n'endala.
4. Ensirifu **s,v,f,z** tezigattibwako Nnampawengwa **y** Naye bw'oba weewunya ogamba nti **Syaa!**
5. Ensirifu **l,r,w,y** ne **h** teziggumira (teziwandiikibwa wamu bbiri)

## TUGGUMIRA DDI MU LUGANDA?

Mu luganda buli lwetuwandiika ensirifu ebbiri mu kifo ekimu tubeera tuggumidde era ze zino engeri ez'enjawulo we tulina okuwandiika ensirifu ebbiri mu kifo ekimu;

1. Tuba nga tulaga okuggumira kw'eddoboozi erizitowa nga twogera; okugeza: engatto, e**dd**ogo, omu**gg**o, e**dd**oboozi, e**dd**agala n'ebirala n'ebirala njolo.
2. Mu bigambo ebimu ebisake ng'ebyo ebyava mu lulimi olulala ebyayingizibwa mu lulimi oluganda gamba e**bb**aafu, e**mm**eeza, e**ss**aati, e**kk**ooti n'ebirala.
3. Ebigambo ebimu ebiri mu kiseera ekyakayita okugeza tuli**dde**, batu**dde**, bagu**dde**, baza**dde** n'ebirala nfofoolo.
4. Amannya agali mu lubu **5Li** okugeza **ss**uubi, **ss**ubi, **tt**ima, **jj**oogo n'ebirala
5. Nga tulaga obusukkulumu bw'erinnya, okugeza: **ss**aababi- akulira ababi bonna, **ss**aababbi- akulira ababbi bonna, **Nn**abakuuzi- akulira abakuuzi bonna, **Nn**aabakyala- akulira abakyala bonna n'ebirala.
6. Nga tulaga omulimu gw'omuntu okugeza; **Munna**mawulire **Munna**mateeka.
7. Nga tulaga ekifo omuntu gy'abeera okugeza; **munna**kibuga, **munna**kyalo.
8. Nga tweyogerako mu kukola ekikola mu muntu asooka era mu kiseera ekyayise oba ekyayita okugeza; **Nn**alya, **Nn**atambula, **Nn**abbye

# ENKOZESA YA "L" NE "R"

Ennukuta zino bwe tuba nga tuzaatula kibeera kizibu okufuna enjawulo mu nnukuta zino esinga kweyolekera mu mpandiika yaazo anti zirina amateeka agazifuga ag'enjawulo

**R**

a) Ennukuta eno ekozesebwa singa eba eddiridde empeerezi i ne e

i

e R

okugeza; erinnya, emmere, omuliro n'ebirala nkuyanja

b) Mu luganda ennukuta R tetandika kigambo okugeza

Lule so si rule

Lya so si rya

Lambula so si rambula

c) Ennukuta eno teggumira oba teziwandiikibwa bbiri mu kifo okugeza

Ekirooto so si ekirrooto

Erinnya so si errinnya

**L**

a) Ennukuta eno ekozesebwa oluvannyuma lw'empeerezi a, o, u

a

o L

u

okugeza omulala, olukato, oloota n'ebirala keesedde.

b) Ennukuta eno etandika ebigambo mu luganda okugeza laba, londa, leeta, lambula n'ebirala

c) Ennukuta eno teggumira okugeza

Okulima so si okullima

Okuleeta so si okulleeta

## AMATEEKA AGAFUGA EMPANDIIKA YA "JJ" NE "GY"

Ennukuta zino zombie mu njatula yaazo ziwulikika nga zifaanagana era zitabula nnyo abawandiisi b'olulimi oluganda.

Wabula zirina amateeka agafuga empandiika zaayo era agazireetera okuba ez'enjawulo era nga ge gano

**JJ**

a) Eno esinga kukozesebwa singa ekigambo kirimu amakulu ag'okujja (to come)
Okugeza
Taata ya**jja** okutulabako nga tuli mu kisulo ku ssomero.
Abaana ba**jja** ku ssomero nga tebeetegese.
b) Mu mannya g'ebifo n'abantu okugeza Najjuma, Najjuuko, Kasujja, Busujju, kasajja n'amalala.
c) Nga tuwandiika ebigambo ebirala ebirimu ennyingo/ ennukuta ezo okugeza okubajja, okujeema, okujeera n'ebirala

**GY**

Eno ekozesebwa mu bikolwa ebirimu amakulu gano

a) Okuggya (to boil) okugeza
Emmere maama gy'afumba eruddewo oku**ggya**
Akatale kakutte omuliro ebintu byonna ne bi**ggya**
b) Ebirina amakulu ag'okuggya ekintu mu kifo ekimu "to remove" okugeza
Omulenzi ya**ggya**wo olugoye wansi.
Emmere eyo gi**ggye** ku Kyoto ogiteeke ku mmeeza.
c) Abirina amakulu agalaga obupya bw'ekintu
Abayizi aba**ggya** batandise leero.
Baleese ebitabo ebi**ggya** mu tterekero lyaffe.
d) Ebirina amakulu ag'okugya (to fit) okugeza
Abagenyi bangi teba**gya** mu nnyumba.
Ebitabo byange bi**gya** bulungi mu nsawo.
e) Nga twogera ku kibangirizi oba embuga ebeera mu maaso g'enju.

Ekyoto bakikumye mu lu**ggya**

f) Nga tulaga ebifo abakungu we baziikibwa okugeza
Eki**ggya** kya Sir Apollo Kaggwa

# ENZIMBA Y'ENNYINGO

Ennyingo bwe butundutundu obw'enjawulo obukola/ obuzimba ekigambo. Ennyingo esobola okubeera empeerezi yokka oba ensirifu wamu n'empeerezi okugeza ba, be, bi, bo, bu n'endala.

**Ebika by'ennyingo**

Ennyingo za mirundi etaano era nga ze zino;

1) Ennyingo ey'ennukuta emu era nga eno ezimbibwa n'empeerezi yokka naddala ezo ze twalabye ezitandika ekigambo mu luganda okugeza a, e, o
2) Ennyingo ey'ennukuta ebbiri era nga ezimbibwa ensirifu emu n'empeerezi okugeza ba, be bi bo bu
   Ca ce ci co cu
   Wa we wi wo wu n'endala
3) Ennyingo ey'ennukuta essatu era eno ezimbibwa bweti
   Ensirifu bbiri n'empeerezi emu
   -tta- o-ku-**tta**
   -zzi- a-ma-**zzi**
   **-ggo-** o-mu-**ggo**
   Nnakinnyindwa ko n'ensirifu n'empeerezi
   -mba- o-ku-li-**mba**
   -nga- e-ggwa-**nga**
   -mpo- e-**mpo**-lo-go-ma
   Ensirifu emu gattako empeerezi bbiri
   -baa- a-**baa**-na
   -maa- **maa**-ma
   -soo- zi-ku-**soo**-ka

Ensirifu gattako nnampawengwa n'empeerezi okugeza

Mye e-**mye-**zi

Tya o-ku-**tya-**ba

Twe o-mu-**twe**

4) Ennyingo ey'ennukuta ennya era ng'eno ezimbibwa

Ensirifu bbiri n'empeerezi bbiri okugeza

Ssaa **ssaa**- ba-sa-jja

Mmee e-**mmee-**za e

Ggaa e-**ggaa**-li

Nnakinnyindwa egattibwako nsirifu n'ogattako nnampawengwa n'empeerezi okugeza

Nkwa **nkwa-**ga-la

Ndwa e-**ndwa**-dde

Mbwa e-**mbwa**

Nywe o-ku-**nywe-**za

5) Ennyingo ey'ennukuta ettaano eno ezimbibwa bweti

Ensirifu bbiri wamu ne nnampawengwa n'empeerezi okugeza

Ggwii e-**ggwii**-so

Ggwee e-**ggwee**-se-zo

**Weetegereze**

**i)** Empeerezi yokka esobola okukola ennyingo singa ebeera ku ntandikwa ya kigambo.

**ii)** Empeerezi esemba ku kigambo n'eyo eri wakati mu kigambo tekola nnyingo nga tekuli nsirifu.

**iii)** Ensirifu yokka tesobola kukola nnyingo nga tekuli mpeerezi.

## ENKOZESA Y'ENNUKUTA ENNENE

Ennukuta ennene zirina ebifo mwe tuzeeyambisa so ate nga waliwo ne wetutayinza ku zikozesa. Ennukuta zino zeeyambisibwa mu ngeri zino

- Nga tutandika sentensi/ emboozi okugeza
  Omusajja yatweyambulidde naffe ne twewuunya obugwenyufu obumulimu!
  Abaana bano baseegu nnyo!
- Nga tuwandiika amannya agenkalakkalira okugeza
  Ag'abantu nga Nayiga, Namanda, Amooti
  Ag'ensozi nga Rwenzori, Kirimanjaro, Elgon, Mufumbiro
  Ag'amawanga nga Abaganda, Abanyoro, Abasoga
  Ag'ensi okugeza Yuganda, Kenya, Tanzania, Rwanda
  Agebibuga nga Kampala, Masaka, Entebbe
- Nga tuwandiika emitwe gy'emboozi n'ebitontome okugeza
  **'MWANA MUWALA KYE YANKOLA!!!'**
- Nga tuwandiika emitwe gy'obutabo okugeza
  **ZINUNULA OMUNAKU, BWALI BUTAMANYA, TUULA TUFUME, OMUNAKU KAAMA**
- Ennukuta ennene yeeyambisibwa ku buli ntandikwa y'olunyiriri mu kitontome okugeza
  **N**nakku saagala onnumbe
  Kankunyumize effumbe
  Tumale okulya onnyambe
  Mpeerekere Nnakafumbe
  Gye banayabya olumbe
- Nga twagala okussa essira oba okuggumiza kye twogerako naddala mu bitontome okugeza
  MU BUSUJJU eyo e KIGGWA
  Ye wali MUTASINGWA
  Akulira EKIKA KY'EMBWA

AKABBIRO: KYUMA KYA MBWA

- Nga tulaga obusukkulumu bw'abantu ku balala okugeza Ssaabasajja, Ssaalongo, Ssaabasumba, Nnaabagereka, Nnaabakyala
- Nga tutandika emboozi eri wakati nga tukozesa obubonero obuwaabi okugeza yamuboggolera nti "Owange musajja wattu bw'otuleka"

## EBIGAMBO EBIGATTIBWA (COMPOUND WORDS)

Mu lulimi oluganda waliwo ebigambo ebigattibwa ku binnaabyo newankubadde nga mu njogera biwulikika nga biri bibiri era nga byandibadde byawulwamu mu mpandiika. Mu luganda tugatta ebigambo mu ngeri zino wammanga

- Nga tuwandiika amannya agava mu mannya amalala ebyennyanja, ebyenda, ebyobuwangwa
- Nga tuwandiika amannya agava mu ngero okugeza Basajjassubi, Basajjamivule, Kiriggwajjo
- Amannya g'ennaku za wiiki okugeza olwokuna, olwokutaano, olwomukaaga.
- Nga tuwandiika ebikolwa ebiddiddwamu okugeza temaatema, salaasala, bokkabokka
- Amannya agalaga oluganda okugeza nnyaffe, kitaffe,ssengaffe, bannyaffe
- Obugambo buno, **nga, ko, mu, yo,wo.** Bwe buba nga busembye ku kikolwa tubugattako okugeza
  Tuulako wansi
  Twayimbanga buli lwamukaaga
  Nyimbiraamu akayimba
  Gendayo ajja kukuwa ky'oyagala

- Akagambo ‘**si**’ keeyambisibwa mu kugaana bwe kaba kaliraanye ekikolwa kagattibwa ku kikolwa okugeza
  Siitambule naawe nga toyambadde mpale.
  Situula ku ntebe kuli ttaka
- Amannya g’ebyobufuzi nago gagattibwa tegaawulwamu okugeza oweggombolola, owessaza, owessiga, owoolunyiriri, owoomuluka
- Amannya agava mu bikolwa okugeza ebyokulya, ebyokunywa, ebyendiisa, ebyobulunzi, ebyobulimi

## EBIGAMBO EBITAGATTIBWA

Mu luganda tulinamu obugambo nga bwo buli lwe buwandiikibwa tebugattibwa ku k igambo kirala era nga muno mwe muli

- Ssenfo/ nnakalazi (ku, mu, wa, e) buli lwe zeeyambisibwa mu ssentensi zibeera mu bbanga okugeza
  - Genda mu nnyumba oleete omunnyo.
  - Kalanzi atudde ku mmeeza.
  - Abayizi bagenze e Jjinja okulambula.
  - Muteeke wansi wa katebe.
- Obugambo obubuuza (Nnakasigirwa ezibuuza buli lwe buwandiikibwa tebugattibwa okugeza)
  - Lwaki onneesibyeko?
  - Ani yakutumye ekitabo ekyo?
  - Baana ki abatutte enkumbi?
- Obugambo obuyunzi okugeza ne, nga, ate, so, era, singa ekigambo ekiba kibuddirira kiba tekisoosa mpereezi okugeza
  - Kasumba ne Nansereko basoma bitabo.
  - Omusajja alima nga mulwadde
- Obugambo obulaga obwannannyini okugeza za, lye, bye
  - Embuzi za maama zikutudde.

    - Ettooke lye lyengedde.
    - Ebitabo bye byabula.
- Akagambo akagaana aka 'si' bwe kaddirirwa ekigambo ekirala nga si kikolwa kawandiikibwa mu bbanga okugeza Nalule si mulungi mulwadde.

## OBUGAMBO OBUGAANA

Mu luganda tulina obugambo obweyambisibwa mu kugaana busatu era nga bwe buno

Si Te Obuta

**SI**

- Akagambo kano kakozesebwa bwetuba tugaana mu muntu asooka mu bumu wokka (ng'omuntu yeeyogerako ye kennyini) 1st person singular era kayungibwa ku kikolwa
    - **Si**mukubye wabula mmukoonyeko katono.
    - Eyo emmere ekonye **si**genda kugirya.
- Singa 'si' ekulemberwa ekikolwa ekisoosa ennyingo 'ku' 'oku' (infinite form) nga temuli mukozi (subject) olwo kawandiikibwa kokka okugeza
    - **Si** kuzaala kwe kwamulesa amaka.
    - **Si** kusoma wabula kwabika mitwe.
- Akagambo kano singa kaba nga kaliraanye ekigambo ekirala ekitali kikolwa kawandiikibwa mu bbanga (tekakigattibwako) okugeza
    - Nalweyiso **si** mulungi mulwadde.

- Omuwala oyo ennimba ze **si** nnungi.
- Nantale bamuwanise ku mmeeza **si** ku ntebe.

○ ‘si’ esobola okukyuka okusinziira mu kiseera mwoyogerera

- Mu kiseera ekyayita awamu n’ekiyise si efuuka ‘sa’ okugeza
  **Sa**agala baana bannepankirako
  **Sa**agenze ku luzzi anti enkuba yatonnye (ekyayise)
  **Sa**amulaba kubanga yatuuka tuvuddeyo
- Mu kiseera ekijja akagambo tukongerako ‘I’ endala era ne ku nkomerero y’ekikolwa ne tusembyayo ‘e’ okugeza
  **Si**igende mu katale
  **Si**ibireete kubanga nnyinza obutayitirayo.
- Mu kiseera ekirijja ssentensi zifaananako ziti
  **Siri**mutwala ku mbaga ya nnyabo.
  **Siri**mwebaza ne bwalimpa akalungi katya.
  **Siri**baleetera mwana wange nga nkomyewo.

## Si lwetagattibwa ku bigambo

- Singa eba eddiriddwa nnakongezalinnya okugeza
  Omuwala gwe baleese **si** muwanvu nnyo.
  Omugole **si** mweru nga bwe twabadde tumusuubira.
- Singa eba eddiriddwa linnya okugeza
  Nakugambye oyite Kasumba **si** Kayemba.
  Twamusanze na muwala **si** mulenzi.
- Singa eba eddiriddwa nnakasigirwa okugeza
  Oyo omuwala **si** waffe
  **Si** nze gwe wayise.

**Te**

- ✓ Akagambo/ akayingo kano keeyambisibwa mu bantu abalala bonna abasigaddeyo (okuggyako asooka mu bumu nga bwe tulabye waggulu)
- ✓ Akayingo kakulembera Nnakasigirwa enkozi olwo ne kuddako ekikolwa
  Te + Nnakasigirwa + ekikolwa okugeza
  Temumutwala bubi mutyo kuba talina musango
  Tetumulabye bulungi ng'azina
  Tebawandiika bulungi nga bazooka
  Temumwemaliza nnyo.
- ✓ Bwe tuba tugaana mu muntu owookubiri mu bumu ($2^{nd}$ person singular) akayingo **te** kafuuka **to** kubanga omuntu abeera 'o' okugeza
  Tojja kufuka wano nga tukulaba
  Tomutwala wange ajja kunziba
  Nalule, tonaaba nga gwe bakase
- ✓ Bwe tuba tugaana mu muntu owookusatu mu bumu ($3^{rd}$ person singular) '**te**' efuuka 'ta' era omuntu abeera 'a-' okugeza
  Tayagala muntu amuzannyirako
  Tajja kufuka wansi wa muti ogwo
  Kitaffe talina nsimbi zituweerera

**Obuta**

- ❖ Kano kasinga kweyambisibwa ku bikolwa ebitali byanjuluze (infinite form) era nga biba biragibwa/ bitandisa ennyingo 'ku' oba 'oku' okugeza okuyimba, okusoma, okulya
- ❖ Ebikolwa eby'ekika ekyo bwe bibeera nga bifuuliddwa ebigaana tweyambisa akagambo aka obuta okugeza
  Obutalya muze gw'amaanyi mu baana
  Obutalima kibi nnyo

Obutayimba

## ENKOZESA Y'OBUBONERO MU LUGANDA

## (PUNCTUATION MARKS)

Mu luganda tulina obubonero bungi ate obw'enjawulo bwe tweyambisa nga tuwandiika ssentensi awamu n'emboozi okusobola okugifuula ennyuvu n'okuwa amakulu era nga bwe buno

1. **Akafundikira/ akatonnyeze (full stop) (.)**

   Akabonero kano kakozesebwa bwe kati

   - Mu kumaliriza ssentensi okugeza Nantongo mulwadde.
   - Mu kusirisa ebigambo okugeza Muky. , Mw. U.N.E.B
   - Mu kwawula emiwendo n'ennaku z'omwezi okugeza 17.04.2018
   - Singa emboozi ebeera erina ebigambo ebibuukiddwa okugeza Nakamaanya yagamba nti tayagala kumweraga… era oluvannyuma n'abavuma.

2. **Akabuuza (Question mark) (?)**
   - Kano kakozesebwa singa emboozi eyogerwa yeetaaga ekyokuddamu oba ng'erimu obugambo obubuuza okugeza Mugenda ddi ku luzzi?
     Babadde ki abo abatuleekaanira?
     Ani akutumye omuggo ogwo?
   - Tukakozesa singa emboozi kwe kateereddwa kiba tekikakasibwa bulungi oba kibuusibwabuusibwa okugeza Obama yazaalibwa mmu 1964 (?) kubanga alabika ng'atutte emyaka egiwerako.

3. **Obuwaabi (quotation Marks) “”**

Obubonero buno oluusi buyitibwa buloopi era nga bweyambisibwa bwe buti

- ❖ Singa wabeerawo ebigambo ebisimbuliziddwa okugeza Bbayibuli etugamba nti "ataakole n'okulya taalye" kale nno mwewale obunafu.
- ❖ Singa tuba tukozesa ekigambo ekitali kya lulimi olwo mw'owandiikira okugeza : akawala ako abasomesa bakatenda okuba "smart"
  Omutanda yawayizzaamu ne "president" w'eggwanga kun kola ya "federal"
- ❖ Singa wabeerawo ekigambo ekyetaaga okussaako essira, ekigambo ekyo kiteekebwa mu bubonero buno okugeza "okusoma" kutuusizza bangi mu kwesiima.
- ❖ Singa ekigambo ekyogerwako kiba n'amakulu agaawuka ku gaabulijjo ekigambo ekyo kiteekebwa mu bubonero obwo okugeza
  Omuyizi "yeesaze" akawero
  Omusomesa oyo ayagala nnyo "okusala" anti ne leero teyasomesezza.
- ❖ Okulaga ebigambo ebyayogerwa/ okuwandiikibwa omulala

4. **AKASAZE (hyphen) –**
   **Kano kaawulwamu emirundi ebiri**
   **Akampi (-)**
   - ❖ Keeyambisibwa mu kugatta ebigambo awamu naddala ebigambo ebyo bwe bitaba mannya okugeza nnyonyi-ntono, mubuzi-ekogga
   - ❖ Keeyambisibwa mu kwawulamu ekigambo naddala nga tekiweddeeyo ku nkomerero y'olunyiriri.
   - ❖ Kayinza okukozesebwa mu kuwandiika ennaku z'omwezi okugeza 17-04-2018

- ❖ Kayinza n’okutegeeza okutuusa okugeza soma Bukedde olupapula 10-18
- ❖ Okwawulamu emiwendo oba ennukuta ebyawuddwa Akawanvu (__)
  Keeyambisibwa nga kalaga nti mu kifo we kateereddwa waliwo ebigambo ebibuukiddwa okugeza
  Ssaabasajja lwe  yajja okutukyalira ebintu bingi byayolesebwa nga mulimu ebivuga, emmere, ennaanansi__ wabula yasiima nnyo abaabiibya.

5. **AKAMENYI (SEMI COLON) (;)**
   - ❖ Keeyambisibwa mu kugatta ssentensi ebbiri oba okusingawo era ziba zisobola buli emu okuyimirirawo ku bwayo okugeza Abayizi abasoma ennyo bayita;abalagajjavu tebasoma bulungi.
   - ❖ Okwawula ebintu bya ssentensi ebiba bimaze okukozesebwamu akawummuza okugeza okugeza okusooka, nnamuyita n’agaana; ate olulala ye n’antumira omwana.
6. **OBUKOMERA  (brackets) (   )**
   Bweyambisibwa okulaga nti ekigambo/ ebigambo ebiteereddwa mu bukomera biwa amakulu g’ebyo bye biddiridde okugeza
   Maama wa Buganda (Nnaabagereka) yatukyalidde.
   Omulongo omuto (Kato) yabuuka
7. **AKASITALE /**
   - ❖ Keeyambisibwa mu kuwandiika ennaku z’omwezi awamu n’emiwendo emirala okugeza 17/04/1994
   - ❖ Keeyambisibwa mu kifo ky’ekigambo ‘oba’ okugeza omuwala/omulenzi gwe twetaaga.
   - ❖ Keeyambisibwa okulaga nti akabonero mwe biteereddwa birina amakulu ge gamu okugeza omusawo/omujjanjabi, enniina/ennyaanya

8. **AKAWUMMUZA (COMMA) (,)**
   - Keeyambisibwa mu kwawula ebintu ebimenyeddwa okugeza aleese omunnyo, ssukaali, ebinyeebwa n'amata
   - Mu kusala mu ssentensi empanvu okusobola okussa omukka oba okuwummulamu.

## EMBU Z'EBIGAMBO (PARTS OF SPEECH)

Ebigambo bye tweyambisa mu lulimi oluganda byonna birina amannya gaabyo aga ggulama bye gayitibwa. Kale nno amannya gano getuyita embu z'ebigambo. Mu bufunze olubu tuyinza okuluyita ettuluba ebigambo eby'enjawulo mwe bigwa. Embu z'ebigambo ziri munaana (8) era nga ze zino;

1) Amannya (nouns)
2) Nakasigirwa (pronouns)
3) Nakongezalinnya (adjectives)
4) Ebikolwa (verbs)
5) Nakongezakikolwa (adverbs)
6) Nakalazi/ Ssenfo (prepositions)
7) Nakayunzi/ entababigambo (conjunctions)
8) Nakakunga / obwewuunya (interjections)

### ERINNYA / AMANNYA (NOUNS)

Erinnya ky'ekigambo ekituumibwa omuntu oba ekintu okukyawula ku kirala (omulala). Amannya gano gaawulwamu ebika eby'enjawulo.

**Ebika by'amannya**

Mu luganda ebika by’amannya ebikulu biri bina (4) wadde nga waliwo ebirala ebyogerwako naye ojja kwesanga ng’ebyo nabyo bigwa mu biri ebina ebimenyeddwa era ebika by’amannya bye bino;

1) Agenkalakkalira (proper nouns)
2) Agoolukale (common nouns/ improper)
3) Agebibinja (collective)
4) Agebitakwatwako(abstract nouns)

**Amannya g’enkalakkalira**

Ganno ge mannya agatuumibwa abantu/ ekintu naye nga tegakyukakyuka. Mu gano tulinamu;

- **Agabantu** okugeza Nsimbe, Nabakooza, Katongole n’amalala
- **Agebyalo** okugeza Kiwafu, Kitooro, Buwaya, Ntinda, Nateete
- **Agebibuga** okugeza Kampala New york, Jinja, Mbarara, Fortpartal
- **Agensi** okugeza Yuganda, Kenya, Tanzania, America, Zimbabwe
- **Agebibira** okugeza Mabira, Budongo, Bwindi n’ebirala

**Amateeka mu kuwandiika amannya agenkalakkalira**

- Buli lwe tugawandiika, gaba gatandisa nnukuta nnene ne bwegaba wakati mu sentensi okugeza
  Abayizi baagenda e **Jjinja** okulambula.
  obwedda bakugamba kuyita **Nnamanda** yekka.
- Amannya gano tegagattibwa ku kigambo kirala wabula gawandiikibwa gokka mu bbanga.
- Amannya gano tegakutulwamu ne bwegaba nga gakolebwa ebigambo ebiwerako nga bweguli ku mannya ag’engero tusigala tuliwandiika nga liri wamu
  **Okugeza**
  Basajjamivule

Bangisibanno
Kijjanabalola
Balikuddembe

**Amannya agoolukale (common nouns)**

Gano ge mannya agatuumibwa ebintu/ abantu abagwa mu ttuluba/ oluse olumu oba abakola omulimu ogumu wabula nga tegaggayo linnya lya muntu/ kintu ery'enkalakkalira okugeza abawala, abasomesa, abasawo, abakyala, abayizi, abayimbi, abalenzi

Amannya gano buli lwe gawandiikibwa gabeera gatandisa nnukuta ntono okuggyako nga ge gatandise sentensi nga wano

- Abawala abaagenze ku luzzi tebannadda.
- Abayimbi bonna bateekeddwa okuyimbira omutanda
- Omusomesa waffe asomesa bulungi era tumwagala

**Amannya agebibinja (collective nouns)**

Gano ge mannya agatuumibwa ebintu ebingi ebifaanagana nga biteereddwa wamu okugeza

| **Ebintu** | | **erinnya/ekibinja** |
|---|---|---|
| Jjambula | → | Kirimba |
| Ente | → | Eggana |
| Enku | → | Olusekese |
| Embuzi | → | Oluseregende |
| Omusenyu | → | Entuumu |
| Enswa | → | Omutwalo |
| Abantu | → | Ekibiina |
| Essubi | → | Ekinywa |

Amalaalo → olubungu

Amayinja → Emiino

**Amannya agebitakwatwako**

Gano gatuumibwa ebintu ebitasobola kukwatwako wabula nga tusobola okubiraba, okubiwunyiriza oba okubiwulira (feel)

Okugeza, essanyu, akawoowo, ettima, obugunjufu, emputtu, omukwano, empisa, enjala, otulo, enseko, ekisa, akalaakya, okwewulira, akajanja, ebbugumu

**Weetegereze**

Waliwo ebika ebirala ebirabika nga tebikooneddwako nga mwe muli agebitabalika (uncountable nouns) n'agebibalika (countable nouns) okugeza eggaali, essaati, ebibbo. Amannya agali mu bika bino gagwa mu goolukale n'olwekyo ebika bino kitundu ku mannya goolukale

**OKWEGEZAAMU**

**Saza ku mannya agali mu katundu kano olage n'ebika mwe gagwa**

Omuwala baamutwala e Namboole asobole okuyiga okuyimba era yafuna essanyu lingi kubanga abantu bangi ab'ettima baali tebamwagaliza bya kuyimba. Wabula ekibinja kyamwongera amaanyi.

## NNAKASIGIRWA (PRONOUNS)

Nnakasigirwa ky'ekigambo ekisigira oba ekiyimirirawo ku bw'erinnya ly'omuntu oba ekintu okugeza ffe. Mmwe ggwe, nze, mu, ba, ye, ku, bo

**Weetegereze** ekigambo Nakasigirwa kiva mu kusigira ekitegeeza nti wabeerawo omulala addidde munne mu bigere

## EBIKA BYA NNAKASIGIRWA

Mu luganda tulinamu Nakasigirwa ez'enjawulo era nga ze zino

I. Ezoobuntu (personal pronouns)
II. Ezoobwannannyini (possessive pronons)
III. Endazi (demonstrative pronouns)
IV. Embuuzi (interrogative pronouns)
V. Entabaluganda (relative pronouns)

## Ezoobuntu (personal pronouns)

Zino ziyimirirawo ku bw'omuntu era nga zaawulwamu ebika bina (4)

a) **Nnakasigirwa ezoobuntu ezeemala**
Zino bwe ziba nga zikozeseddwa mu mboozi zibeera nga ziyimirirawo ku bwazo era zisobola okuwa amakulu ne bwe zibeera mu mboozi oba sentensi okugeza bo, mmwe, ffe, ggwe

| OMUNTU | BUMU (singular) | BUNGI (plural) |
|---|---|---|
| Asooka (1st person) | Nze | Ffe |
| Owookubiri (2nd person) | Ggwe | Mmwe |
| Owookusatu (3rd person) | Ye | bo |

- **Eby'okulabirako**
- Ggwe watuyise ne tuva ku byetukola.
- Singa teyabadde ye kutuvuma, tetwandimukubye.
- Nze nnamugambye abireete wano.

b) **Nakasigirwa ezoobuntu eziteemala**

Mu luganda tulinamu Nakasigirwa Zino tezisobola kuyimirirawo zokka okuggyako nga zikozeseddwa mu mboozi oba sentensi okugeza a-, o-, ku-, mu-, -n-, -ku-

Nakasigirwa zino eziteemala zaawulwamu emirundi ebiri

i. Enkozi: zino zibeera ziraga omuntu akola (subject ) ekikolwa era ze zino

**OMUNTU** **BUMU (singular)** **BUNGI (plural)**

| | | |
|---|---|---|
| Asooka (1st person) | n- | Tu- |
| Owookubiri (2nd person) | o- | Mu- |
| Owookusatu (3rd person) | a- | Ba- |

**Eby'okulabirako**

- Ndya emmere ewooma
- Oyagala kutukola ki mwana wattu?
- Nayiga ayimba bulungi nnyo.
- Tumulabye ng'ava ku luzzi.
- Abaana babatutte nga bali bubi.

ii. Ezikolebwako: zino ziraga omuntu abeera akolebwako ekikolwa (object) era ze zino;

| **OMUNTU** | **BUMU (singular)** | **BUNGI (plural)** |
|---|---|---|
| Asooka (1st person) | -n- | -tu- |
| Owookubiri (2nd person) | -ku- | -ba- |
| Owookusatu (3rd person) | -mu- | -ba- |

**Eby'okulabirako**

- Babakubye nga baluddeyo ebweru.
- Amutuze era n'afiirawo.
- Yatugulira ebirabo bingi bwe twayita ebibuuzo.
- Ggwe onkubye olweyo mu mutwe.

**Nnakasigirwa ezoobwannannyini(possessive pronouns)**

Zino zibeera ziraga omuntu alina obuyinza ku kintu okugeza –ange, -affe, -o, -e, -abwe, -ammwe.

| OMUNTU | BUMU (singular) | BUNGI (plural) |
|---|---|---|
| Asooka (1st person) | -ange | -affe |
| Owookubiri (2nd person) | -o | -ammwe |
| Owookusatu (3rd person) | -e | -abwe |

**Eby'okulabirako**

Genda ondeetere ensawo yange yokka

Mugambe akuwe ku yiye owandiiseeko

Amaato ago gaabwe gonna.

Twabadde tumuwadde ku byaffe naye teyabizzizza.

**Nnakasigirwa endazi(demonstrative pronouns)**

Zino zikozesebwa okulaga wekiri era za mirundi essatu era nga ze zino

i. Eraga ekintu ekiri okumpi n'ayogera era eragibwa n'ennyingo –no okugeza
    - Bano bonna abali wano twabayise ggulo.
    - Bano balina ekyejo okusinga ku ba Kayemba.
    - Ekitabo kiri wano

ii. Eziraga ekiri okumpi ne gwe balaga so nga ate kiri wala n'oyo alaga era alagibwa n'ennyingo eya –o okugeza
    - Eyo gy'oleese tewandiika bulungi.
    - Genda omugambe akuwe obwo bwe butyo.
    - Wabula ako kewamuwa katonnya.

iii. Eziraga ekintu ekiri ewala wa bombi (alaga ne gwe balaga). Eno eragibwa n'ennyingo eya –li okugeza
    - Kiri kye mmutumye kijja kukola bulungi.
    - Oli gwe twatumye anaatera okudda.
    - Ndeetera kali ke njagala.

**Nnakasigirwa ezibuuza/ embuuzi (interrogative pronouns)**

Zino ziwandiikibwa singa sentensi ebaamu okubuuza. Zino ziba zibuuza ekifo, obudde, ensonga, oba omuwendo gw'ekintu era ze zino

Wa? Tya? Ddi? Ani? Lwaki? Mmeka?

**Eby'okulabirako**

- Lwaki oyambadde olugoye olwo?
- Okomawo ddi ewaka?
- Ani akukubye?
- Bameka abaagala engoye?

**Weetegereze**

Waliwo sentensi ezimu ezibuuza wadde nga temuli nakasigirwa zibuuza okugeza

-onoolya amatooke?

-oyo mwana y'akaaba?

-obadde olya kasooli?

## Nnakasigirwa entabaluganda (relative pronouns)

Eno nakasigirwa eba ereetawo oluganda oba enkolagana wakati w'erinnya n'ekikolwa. Erinnya liyinza okuba nga lye likola ekikolwa oba ng'ekikolwa kikolebwa ku lyo lye nnyini okugeza bye, kye, ge, lwe, ze, be

Nnakasigirwa entabaluganda zaawulwamu emirundi esatu era nga gye gino

a. Entabaluganda enkozi
b. Entabaluganda ekolebwako
c. Nnakasiba

### Entabaluganda enkozi

Eno ebeera ereetawo oluganda oba enkolagana wakati w'erinnya erikola ekikolwa n'ekikolwa ekikolebwako. Nakasigirwa entabaluganda enkozi egattibwa ku kikolwa n'eyongera amaanyi mu linnya

**Eby'okulabirako**

i. Omwana akaaba ekiro gwe baleese.
ii. Abasomesa abakubye Abaana abo bagenze.
iii. Oguwala ogutuleekaanira mugufulumye.
iv. Agalenzi agabbya ge batutte.

### Entabaluganda ekolebwako

Zino ziba zireetawo oluganda wakati w'erinnya erikolebwako ekikolwa n'ekikolwa ekikolebwa. Nakasigirwa entabaluganda enkozi egattibwako ku kikolwa n'eyongera amaanyi mu linnya..

Eby'okulabirako

i. Abaana be walabye babbi.
ii. Omuti gwe watemye gugudde.
iii. Ebikajjo by'oleese babatutte.
iv. Omwana gw'okubye akaaba nnyo.

### NNAKASIBA

Kino kiba kigambo ekyongera okuleetawo oluganda wakati w'erinnya n'ebigambo ebirala. Wabula yo ebeera eyongera amaanyi mu kyogerwako era n'okumalawo okubuusabuusa.

**Eby'okulabirako**

i. Amatu ge basazeeko.
ii. Omuti gwe gugudde.
iii. Enkoko z'ompadde ze babbye.

**Weetegereze**

Sisnga Nnakasigirwa entabaluganda ekolebwako eri mu sentensi emu ne Nnakasiba, bulijjo entabaluganda ekolebwako y'esooka, olwo ne kuddako nnakasiba okugeza

Enkoko ze baaleese ze batutte.

Amagi ge bamuwadde ge gaatise.

**NNAKASIGIRWA EZIGGUMIZA/ ENZIGUMIZI**

Zino zibeera ziggumiza ekyo ekiba kyogerwako n'olwekyo ziba zoongera amaanyi ku linnya eryogerwako mu sentensi oba erigukulembedde.

Eby'okulabirako

i. Ennyumba yo y'etonnya.
ii. Abaana bo be bakubye empi.

iii. Amagumba <u>go</u> ge ganfumise.

Nnakasigirwa ezoobuntu ezeemala zonna zisobola okukola ng'enzigumuzi okugeza

- ❖ <u>Ggwe</u> obbye ebinyeebwa byange.
- ❖ <u>Nze</u> mmuwadde obugatto obwo.
- ❖ <u>Mmwe</u> mubadde mutuleekaanira.

**OKWEGEZAAMU**

Saza ku nakasigirwa eziri mu sentensi zino era oluvannyuma ozituume amannya gaazo.

1. Omwana waffe twamusanze mulwadde.
2. Akatabo ako kalian eddiba eddungi.
3. Ettaala gye tuleese egaanye okwaka.
4. Ekkalaamu ye tewandiika bulungi era ngimuddizza.
5. Omuntu gwe mwagenze okulaba yabadde wamyaka emeka?
6. Tumugambye atwesonyiwe.
7. Akambe kano tekasala bulungi.
8. Omwana we tayagala ku muwulira ng'akaaba.
9. Muleete wano ndabe ekimuluma.
10. Olugoye lwayuzizza terubadde lulwe.

### NNAKONGEZALINNYA (ADJECTIVES)

Kino kye kigambo ekyongera okunnyonnyola ku linnya. Kino kibeera kitulaga enkula, enfaanana, enneeyisa awamu n'omuwendo gw'erinnya.

**Ebika bya nnakongezalinnya**

Mu luganda Nnakongezalinnya zaawulwamu bwe ziti

1) Nnakongezalinnya ezeempisa

Zino ziba ziraga engeri erinnya erikuweereddwa gye lyeyisaamu era nga mulimu zino –wombeefu, -gayaavu, -yonjo, -sirifu, -jagujagu, -lalu, -kyafu

**Eby'okulabirako**

- Omulenzi oyo muwombeefu nnyo ekisusse
- Ako akawala kagayaavu tekasobola mirimu.
- Nalule muyonjo era buli omu amwesiimisa.
- Embwa ye njagujagu olaba ekwata ababbi.

2) **Nnakongezalinnya ezengeri/ ezenkula**

Zino ziba ziraga engeri erinnya gye lyakulamu era nga ze zino –gezi, -tono, -gagga, -ddugavu, -eru, -myufu, -avu, -wanvu, -nnene, -mpi

**Eby'okulabirako**

- Omuwala muwanvu naye ate kitaawe mumpi.
- Ente ye nnene era ajja kugifunamu ssente.
- Nakate mugezi era  nnyina amweyagaliramu.
- Olugoye lwe lumyufu

3) **Nnakongezalinnya ezoomuwendo / ezoobungi**

Zino zibeera ziraga emiwendo gy'ebintu era emiwendo egyo gibeera gya linnya eryo lye nnyini eriba lyogerwako. Mu zino tulinamu –tono, nfaafa, nkumuliitu, bonna, kafukunya, kkekwa, muswaba, lumaggamagga, nfaafa, munaganwa, ntoko, bonsatule, bombiriri, nfofoolo, ttomooni

**Eby'okulabirako**

- Batuwadde emmere ntoko n'etulemerawo.
- Abawala bonsatule babatutte mu kyalo.
- Amazzi gakkekwa ennaku zino.
- Abasawo batono mu ddwaliro.

4) **Nnakongezalinnya endazi**

Zino zeeyambisibwa mu kulaga era zifaanagana ne Nnakasigirwa endazi wabula enjawulo eri nti Nnakongezalinnya endazi bulijjo eteekwa kubeera n'erinnya lyeba ennyonnyolako

Ebikolo byazo bye bino –no, -o, -li

**Eby'okulabirako**

- Omwana ono mwagala nnyo.
- Akati ako kasuule.
- Essomero lino ddungi nnyo.

5) **Nnakongezalinnya embuuzi**

Zino zeeyambisibwa mu kukola ebibuuzo era nazo zifaanana ne Nnakasigirwa embuuzi wabula enjawulo eri mu nkozesa anti Nnakongezalinnya embuuzi eteekwa okuba n'erinnya ly'eyogerako.

**Eby'okulabirako**

- Bawala bameka abatuuse wano?
- Nalukwago ki gw'obadde weetaaga?
- Ngatto ziriwa z'omutumye?

6) **Nnakongezalinnya ezobwannannyini**

Zino zibeera ziraga obwannannyini ku linnya lye ziba zoogerako.

**Eby'okulabirako**

- Akatabo kaffe bakabbye.
- Ekikajjo kyo kitwale ewaka.
- Abaana baabwe ba kyejo.
- Amagi ge gaatise.

## OKWEGEZAAMU

Saza ku nnakongezalinnya eziri mu sentensi zino era oziwe amannya gaazo

1. Kato yawasa omuwala owakatakketakke era buli omu amwegomba.

2. Abawala ab'ekitema mbaagala nnyo.
3. Enkoko eyaalujumba gyebatwala mu ssabo.
4. Maama yatuleetedde engoye nkumu era ezimu twazigabye.
5. Muwalawe mulungi nnyo.
6. Embwa endalu teyeetaaga kulunda waka.
7. Ekinnya kye musimye kigazi kisusse.
8. Abaana bonna abaagenze mu lubiri bakomyewo.
9. Twasisinkanye omulangaatira gw'omusajja mu kkubo.
10. Embuzi eno gitwale ku ttale.
11. Mmeeza ki gye bakutumye?

## EBIKOLWA (VERBS)

Ekikolwa ky'ekigambo ekiraga omukozi (subject) kyakola okugeza okuwandiika, okusoma, okulima, okulya, okuzannya

Ebikolwa bigabanyizibwamu ebiti bibiri

1. **Ebyemala**

Bino bye bikolwa ebisobola okwetengerera byokka ate ne biwa amakulu. Ebikolwa bino tubyawulamu emirundi ebiri era bye bino

a) **Ebyetaaga erinnya erikolebwako (transitive verbs)**

Bino ebikolwa bwe biba nga byeyambisiddwa mu seentensi bibeera byetaaga erinnya erikolebwako okusobola okuggyayo amakulu n'okumalawo okubuusabuusa. Okugeza

- ❖ Okuvuga (emmotoka, eggaali, ekipiira)
- ❖ Okukuba (ebijanjaalo, ente, emisota)
- ❖ Okulunda (enkoko, ente, embuzi, enjuki)
- ❖ Okusumulula (ensawo, omugugu, embuzi)

**Eby'okulabirako**

- ❖ Maama twamusanze akuba bijanjaalo.
- ❖ Kitaffe tumulese alya kikajjo kye baleese.
- ❖ Akalenzi kabadde kalunda buliga.

b) **Ebitetaaga linnya likolebwako (intransitive verbs)**

Bino ebikolwa biba biggyayo amakulu ne bwe kutabeerako linnya likolebwako era muno mwe muli, okufuluuta, okuseka, okufa, okutunula, okunyiza, okwerumika, okwebaka, okukaaba n’ebirala keesedde.

**Eby’okulabirako**

- ❖ Omulenzi tumusanze atunula.
- ❖ Lekeeraawo okwebakira mu kibiina.
- ❖ Tumulese asumagira.

2. **Ebiteemala**

Bino bikolanga ebikolwa ebiyambi era tebisobola kwetengerera byokka ne biwa amakulu okugeza gira, tera, -kanda, -va, -jja, bade(okuba), sooka, lyoka

**Eby’okulabirako**

- ❖ Musooke musome essaala mulyoke mwebake.
- ❖ Temutweraliikirira tunaatera okubaviira ewammwe.
- ❖ Abaana bava kuzannyira mu nnimiro yange.

Bajja kuzannyira mu kkubo.

## NNAKONGEZAKIKOLWA (ADVERB)

Nnakongezakikolwa ky’ekigambo ekyongera amakulu ku kikolwa oba ekiraga engeri ekikolwa gye kikolwamu okugeza bulungi, bubi, mpola, nnyo, n’endala

**Ebika bya Nnakongezakikolwa**

Nnakongezakikolwa zaawulwamu ebiti eby'enjawulo era nga bye bino

a) **Nnakongezakikolwa ezeebiseera (adverbs of time)**

Zino ziba ziddamu ekibuuzo ""ddi? Ekikolwa lwe kyakolebwa okugeza ttuntu, mattansejjere, ggulo, nkya, jjo, luli, makola ga byaggulo

**Eby'okulabirako**

- Twatuuse kawungeezi.
- Emmere twagiridde mu ttumbi.
- Oluganda tulusoma mu kalasamayanzi.

b) **Nnakongezakikolwa ezeebifo (adverbs of place)**

Zino ziddamu ekibuuzo "wa?" era nga ziraga ekifo ekikolwa we kikolebwa era ze zino munda, wansi, enkoto, wabweru, wabbali, waggulu wakati, nnyuma

**Eby'okulabirako**

- Oyo omwana atuula mabega mu kibiina
- Ebitabo ebyo biteeke wansi.
- Twamusanze asitamye waggulu ku mmeeza.
- Kasooli oyo mwokere enkoto

c) **Nnakongezakikolwa ezeempisa/ ezengeri (adverbs of manner)**

Zino ziraga engeri ekikolwa gye kikolebwa era tulinamu bulungi, lulembe, bubi, mpola, ssimbo, lukulutokota, kibwatukira, kimpowooze

**Eby'okulabirako**

- Kasumba awandiika bubi era ebintu bye tebisomeka.
- Lukwago ayogera mpola.
- Omusajja yafa kibwatukira.

d) **Nnakongezakikolwa enzigumizi**

Zino ziba zitulaga amaanyi ageeyambisiddwa mu kukola ekikolwa kye ziba ziriraanye okugeza nnyo, ddala, nnyini

**Eby'okulabirako**

- ❖ Omwana amukubidde ddala.
- ❖ Kamya alya nnyo kasooli.
- ❖ Nantale azannye katono.

e) **Nnakongekikolwa ezensonga (adverbs of reason)**

Zino ziba ziraga ensonga lwaki ekikolwa kikolebwa okugeza kubanga, lwakuba

**Eby'okulabirako**

- ❖ Saasomye kubanga nnnabadde mulwadde.
- ❖ Tetwamulabye lwakuba tetwamusanzeeyo.

**OKWEGEZAAMU**

Ebigambo ebisaziddwako bituume erinnya lya Nnakongezakikolwa entuufu

1. Twagenze kikeerezi ku ssomero.
2. Engabi eraze mmanga mu kibira.
3. Abakazi batambuza ssimbo naye abaami nedda.
4. Abaana bonna batudde bubi mu kibiina.
5. Omwami wange ewaka ayingira mu ttumbi
6. Omukazi yanvumye nnyo ne mpulira ng'antamye.

## SSENFO/ NNAKALAZI (PREPOSITIONS)

Buno bwe bugambo obweyambisibwa okulaga ekifo. Obugambo buno buli buna era bwe buno **mu, ku, e, wa**

**Eby'okulabirako**

- ❖ Ekitabo kiri ku mmeeza.
- ❖ Genda okebere **mu** nsawo yange.
- ❖ Maama agenze **e** Kampala okugula ebintu.
- ❖ Omwana yekwese wansi **wa** kitanda.

**Weetegereze**

i. Obugambo buno buli lwe buwandiikibwa bubeera mu bbanga/ tebugattibwako ku kigambo kirala.

ii. Obugambo buno busobola okugattibwa ku nkomerero y'ekikolwa era awo buyitibwa **nzirugaze** era bukyuka buti

| | |
|---|---|
| Ku | ko |
| Mu | mu |
| E | yo |
| Wa | wo |

**Eby'okulabirako**

- ❖ Genda**yo** omumpitire
- ❖ Tombamira**ko** otyo.
- ❖ Mugambe atuwee**mu** tugende.
- ❖ Tuula**wo**

## ENTABABIGAMBO/ NNAKATABA

Buno bwe bugambo obweyambisibwa okugatta sentensi okufuna emu. Obugambo obuyunzi bwe buno, ne, singa, oba, newankubadde, nga, naye, wadde, era, ate, kyokka, mpozzi, sinakindi

Eby'okulabirako

- ❖ Omusomesa yakubye omwana **nga** mulwadde.
- ❖ Lule **ne** Muyanja baayombye.
- ❖ Yamututte **kubanga** yamusanzeewo.

## OBWEWUUNYI (INTERJECTIONS)

Bino by'ebigambo ebiba biraga okwewuunya, okwennyamira, awamu n'okusaasira. Obugambo buno bwe bweyambisibwa bufundikirwa n'akabonero akeewuunyi okugeza bambi!, nga olabye!, woo!, Kyokka, nnyabo!

**Eby'okulabirako**

- ❖ Nga mulabye okubbibwa!
- ❖ Nga kitalo nnyo!
- ❖ Bambi asanze amaze okufa!

## EMBU Z'AMANNYA

Olubu ly'ettuluba amannya ag'enjawulo mwe gagenda. Mu luganda tulinamu embu z'amannya 23 era ze zino

| | | |
|---|---|---|
| 1MU | 11LU | 21O |
| 2BA | 12KA | 22GA |
| 3MU | 13TU | 23E |
| 4MI | 14BU | |
| 5LI | 15KU | |
| 6MA | 16WA | |
| 7KI | 17KU | |
| 8BI | 18MU | |
| 9N | 19O | |
| 10N | 20GU | |

**1MU**

Muno mugendamu amannya gonna ag'abantu, agenkalakkalira okugeza Namitala, Nakyanzi, Mulema, Kayirebwa, Jjunju

Mugendamu n'amannya g'ensolo nga gafuuliddwa ag'abantu okugeza Wampologoma, Wante, Wambuzi, Wakayima

Mugendamu n'amannya amalala nga ssabbuuni, Kkaamulali, Ppulofeesa

Amannya ago galagibwa ne Nnakasigirwa endazi eya **ono/ oli/ oyo**

**2BA**

Muno mugendamu amannya agali mu 1MU nga gali mu bungi okugeza bawala, bannamusisi, bavubuka, bawampologoma

Amannya gano  galagibwa Nakasigirwa endazi eya **bali/ abo/ bano**

**3MU**

Muno mugendamu amannya gano

Ag'ebimera okugeza muyembe, mucuungwa, muwogo

Ag'ebisolo okugeza munya, musota

Ag'endwadde okugeza musujja, mutwe

Nnakasigirwa endazi **guno/ guli/ ogwo**

**4MI**

Muno mugendamu amannya getulabye mu 3MU bwe gabeera mu bungi okugeza emiwogo, eminya, emisujja, miyembe

Nnakasigirwa endazi **gino/giri/ egyo**

**5LI**

Muno mugendamu amannya agatandisa n'ennyingo "**li**" okugeza linnyo, lyato, linnya, liggwa, liiso

Mugendamu n'amannya agaba galaga obunene bw'ekintu okugeza kkazi, ssolo, lisota, lisajja, liwala

Mugendamu n'amannya amalala nga bbala, jjuuni, ttaka, ttama

Nnakasigirwa endazi **lino/ liri/ eryo**

**6MA**

Amannya agagenda mu lubu luno gatandika n'ennyingo eya 'ma' era nga galaga obungi bw'amannya agali mu5LI okugeza amannyo, amaaso, amaato, amaggwa

Mugendamu n'amannya amalala ng'obumu bwago tebuli mu 5LI naye nga gatandisa n'ennyingo eya 'ma' okugeza magulu, matu

Nnakasigirwa endazi **gano/ gali/ ago**

7**KI**

Muno mugendamu amannya agatandika n'ennyingo 'ki' okugeza ekiti, ekikopo, ekyoto, kigiiko, kitabo

Mugendamu n'amannya agagezaako okuvumaganya ekintu okugeza kisajja, kikazi

Nnakasigirwa endazi **kino/ ekyo/ kiri**

**8BI**

Olubu luno lugendamu amannya agali mu 7KI nga gali  mu bungi okugeza ebisero, bigiiko, bikopo, biwala

Nnakasigirwa endazi **bino/ ebyo/ biri**

**9N**

Muno mugendamu amannya agatandika Nnakinnyindwa naye ng'egattiddwako ensirifu endala okugeza embwa, enkumbi, engatto, engoma, engano

Mugendamu amannya agaagandawazibwa okugeza essaawa, essaati, eggaali, emmotoka

Nnakasigirwa endazi eri **eno/ eyo/ eri**

**10N**

Mugendamu amannya agali mu 9N nga gali mu bungi okugeza embuzi, enkoko, kkaali wabula tekikyuka wabula nnakasigirwa endazi y'ekyuka

Nnakasigirwa endazi **zino/ ziri/ ezo**

**11LU**

Muno mugendamu amannya agatandisa n'ennyingo 'lu' okugeza luku, luzzi, lusuku, lugoye, lupapula

Nakasigirwa endazi  **luno/ luli/ olwo**

**12KA**

Mugendamu amannya agatandika n'ennyingo eya 'ka' okugeza katale, kawunga, kambe, katungulu

Mugendamu amannya agalaga obutono bw'ekintu okugeza kasajja, kawala, katabo, kasumuluzo, katebe

Nnakasigirwa endazi **kano/ ako/ kali**

**13TU**

Mugendamu amannya agatandisa n'ennyingo eya 'tu' okugeza otulo

Mugendamu amannya agalaga obutono bw'ekintu nga gatandisa n'ennyingo 'tu' okugeza tujazi, tuwala, tusajja, tuzzi, tunnyo

Nakasigirwa endazi ziri **tuno,/ otwo/ tuli**

**14BU**

Mugendamu amannya agali mu 12KA ne 13TU nga gali mu bungi okugeza butale, butungulu, bwambe, busaati

Nnakasigirwa endazi **buno/ buli/ obwo**

**15KU**

Mugendamu amannya agatandika n'ennyingo 'ku' okugeza kutu, kugulu

Mugendamu n'amannya agatandisa n'ennyingo 'ku' nga gava mu bikolwa okugeza okulya, okuwaata, okulima

Nnakasigirwa endazi **kuno/ kuli/ okwo**

**16WA**

Mugendamu amannya agatandisa n'ennyingo 'wa' nga galaga bifo okugeza wansi, waggulu, wambeeri

Nnakasigirwa endazi **wano/ wali/ awo**

**17KU**

Mugendamu amannya agatandisa n'ennyingo 'ku' nga galaga bifo okugeza kungulu, kummeeza

Nnakasigirwa endazi **kuno/ kuli/ okwo**

**18MU**

Mugendamu amannya agatandisa n'ennyingo 'mu' nayo ngera eraga ebifo okugeza munda, mukisero, mukikebe, mummotoka

Nnakasigirwa endazi **muno/ muli/ omwo**

**19O**

Muno tetulina mannya gagendamu

**20GU**

Mugendamu amannya agatandisa n'ennyingo 'gu' naye nga galaga obunene bw'ekintu era gaggya ennono zaago mu mbu endala okugeza guwala, gusajja, guyumba, gulenzi

Nnakasigirwa endazi **guno/ ogwo/ guli**

**21O**

Muno tetulina mannya gagendamu

**22GA**

Mugenda amannya agali mu 20GU nga  gali mu bungi okugeza gasajja, galenzi, gawala

Nnakasigirwa endazi **gano/ gali/ ago**

**23E**

Mu lubu luno mugendamu amannya agatandisa ennyingo eya 'e' naye nga galaga bifo okugeza ewaffe, ebbali, egindi, emmanga

Nnakasigirwa endazi **eno/ eri/ eyo**

## EBISEERA MU LUGANDA (TENSES)

Mu lulimi oluganda tulina ebiseera bya mirundi mukaaga era nga bino bye biraga obudde ebikolwa eby'enjawulo we byakolebwa. Muno mwe muli

..Kyayita Ekyayise Ekiyise

..Ekiriwo Ekijja/ Ekinajja Ekirijja

**EKISEERA EKYAYITA (PAST TENSE)**

Ekiseera kino kikozesebwa singa ekikolwa ekyogerwako kyaggwa dda okukolebwa. Akabonero akalaga ekiseera kino ke ka **–a** nga kagattibwa ku nnakasigirwa ezoobuntu enkozi okugeza

- B**aa**yimba bulungi omwaka ogwaggwa
- Abayizi b**aa**lya emmere nnyingi
- S**aa**zannya kubanga omukono gwali gunnuma.
- Tw**a**lina olubimbi lunene ne lutulema okumalawo.

Ekiseera kino kisobola n'okulagibwa n'ekikolwa ekiyambi ekya –li okugeza

- Baa**li** balya enkuba n'ejja
- Baa**li** batambula emmotoka n'emukoona.

**EKISEERA EKYAYISE (PAST PARTICIPLE)**

Ekiseera kino kikozesebwa singa ekikolwa ekyogerwako kiba kyakoleddwa wakati w'essaawa 6-24. Akabonero akalaga kino ke ka **–a** ne **–e** okusembayo ku kikolwa.

- B**a**azanny**e** nnyo
- B**a**ayimby**e** bulungi era omukulu n'asiima.
- Tw**a**mulaby**e** ng'atudde ku kkubo.

**Weetegereze** ekiseera kino era kiragibwa n'ekikolwa ekiyambi ekya **–badde** era bwe kiba nga kikozeseddwa ekikolo kye kikolwa tekikyuka okugeza

- Baa**badde** bajja enkuba n'etonnya.
- Baa**badde** balwana ne babayiira amazzi.

## EKISEERA EKIYISE/ EKYAKAYITA (PAST PERFECT)

Kino tukikozesa singa tuba twogera ku kikolwa ekibaddewo nga tekisussa ssaawa 6 nga kiwedde. Tukirabira ku nnukuta ‘**-e**’ eteekebwa ku kikolo ky’ekikolwa okugeza

- Bayimby**e** oluyimba olulungi
- Bagenz**e**
- Bazanny**e**

Tuyinza okweymbisa ekikolwa ekiyambi ekya **–badde** okugeza

- Ba**badde** balima enkuba n’etonnya
- Tu**badde** tulya
- Mu**badde** musoma?

## EKISEERA EKIRIWO (PRESENT TENSE)

Ekiseera kino kikozesebwa singa ekikolwa ekyogerwako kiba nga kikolebwa ku ssaawa eyo mwoyogerera okugeza

- Tusoma olulimi oluganda
- Bayambala kugenda ku ssomero
- Mulya mmere ki?

## EKISEERA EKIJJA/EKINAJJA

Ekiseera kino kikozesebwa singa ekikolwa ekyogerwako kiba kyakukolebwa mu ssaawa 6-24. Akabonero akalaga ekiseera kino ke ka **–naa-** okugeza

- Tu**naa**yimba ekiro
- Tu**naa**lya ebikajjo enkya
- Ba**naa**mulaba nga bagenzeeyo

Ekiseera kino era kiragibwa n'ekikolwa ekiyambi ekya **–jja** okugeza

- Ba**jja** kuyimba enkya kumakya
- O**jja** kumugamba ayite wano.
- Mu**jja** kwetwala ewa kitammwe.

## EKISEERA EKIRIJJA

Kino ekiseera kyeyambisibwa singa ekikolwa ekyogerwako kiriba kirikolebwa essaawa 24 n'okweyongerayo. Kiragibwa n'akabonero aka **–li** okugeza

- Tu**li**samba omupiira omwezi ogujja
- Ba**li**bala nga bagenzeeyo.
- A**li**samba omupiira nga bamukkirizza

## EKISEERA EKYA BULIJJO

Kino kikozesebwa ku kikolwa ekikolebwa buli lunaku okugeza

- Tusaba nnyo ku makya
- Twebaka ng'obudde buzibye.
- Tulya ebikajjo

## OBUWAKATIRWA (VERB EXTENSIONS)

Buno bwe bugambo oba obuyingo obuyungibwa ku kikolwa ne buggyayo amakulu ag'enjawulo era buli mwenda nga bwe buno

1. **Akalazi (-era, -ira)**

   Kano kakozesebwa era ne kalagibwa n'obubonero **–ira,** ne **–era** ate nga kayungibwa ku kikolwa. Kakozesebwa okulaga

- Ekifo ekikolwa mwekikolebwa okugeza
  Omuyizi asomera Jjinja
  Omwana azannyira mu kisaawe
  Walusimbi aliira mu ddiiro
- Nga tulaga ensonga lwaki ekikolwa kikolebwa okugeza
  Wayne Rooney omupiira aguzannyira nsimbi.
  Ssembwayo alimira nsimbi.
  Bobi wine ayimbira mpeera.
- Singa omuntu akola ekikolwa aba alina gw'ayamba okugeza
  Mpandiikira ebbaluwa eyo.
  Nnimira awo anti wajjudde omuddo.
  Ntemera omuti ogwo gugwe.

2. **Akalazi akaddiŋŋana (-irira, -erera)**
   Kano kakozesebwa okuggyayo amakulu gano
   - Ekikolwa ekyogerwako kiba kikolebwa lunye okugeza
     Ontamye okulinnyirira we nsiimudde.
     Mwogerera nnyo mu kibiina.
     Omwana atukaabirira nnyo buli kiseera
   - Ensonga lwaki ekikolwa kikolebwa okugeza
     Nampijja asomerera busawo
     Museveni yalwanirira ddembe
3. **Akanaaluzaala (causative verb form) (-esa, -isa,-eza,-iza)**

Kano keeyambisibwa okuggyayo amakulu gano

- Ekintu ekyeyambisibwa mu kukola ekikolwa okugeza
  Alimisa
  Atemesa
  Maama awaatisa kambe
- Omuntu akozesa ekikolwa ekyo oba aviirako ekikolwa okukolebwa okugeza

Omuyizi alimisa banne
Atusomesa olulimi oluganda

4. **Akasoboka (capable verb form) (-ika, -eka, -ezeka, -izika)**

   Kano tukawandiika nga tulaga nti ekikolwa kisoboka oba obutasoboka okukolebwa. Okugeza

Olulimi oluganda lusomeka

Emmere eno eriika

Kasooli atayidde taliika

Olubimbi lwe yatuwadde lwabadde lulimika

5. **Kyesirikidde (passive verb form) (-ibwa, -ebwa, -idwa, -edwa, -eddwa, -iddwa)**

Kano tukakozesa okulaga nti omuntu akoze ekikolwa talagiddwa era tukalabira ku bugambo obwo waggulu okugeza

Omwana akubiddwa n'ajja omusaayi

Twavumibwa era ne mpulira bubi

Yakobo atemeddwa omutwe era ali mu ddwaliro.

6. **Akaddannyuma/ akajjuluzi (-ula, -ulula, -ukuka)**
   - Kano kakozesebwa nga tulaga nti ekikolwa kyetaaga okuva mu mbeera gye kirimu ne kizzibwa mu eyo gye kyasooka okubeeramu okugeza

     Zimba zimbulula
     Tamiira tamiirukuka
     Simba simbula
     Ggala ggula

Ssaaniika saanukula

- Akawakatirwa kano era kayinza okweyambisibwa okulaga nti ekikolwa kikoleddwa nnyo okugeza
  Tamiira tamiirukuka
  Nyaga nyagulula
  Swala swalukuka

7. **Akaddiŋŋana (Repetitive verb form)**

Kano kalaga okuddiŋŋana ekikolwa era tekayina nnyingo ya njawulo okuggyako okuddamu okuwandiika ekikolwa kyennyini okugeza

Salaasala, temaatema, limaalima

Eby'okulabirako salaasala enyaanya ezo

Tambulatambulako awo olabe omwana waali.

8. **Akakolaganyi (reciprocal verb form) (-gana, -ŋŋana)**

kano kakozesebwa okulaga nti abantu abakola ekikolwa buli omu akikola ku munne. Eby'okulabirako

Abasajja battiŋŋana

Abaana balwanagana

Twakubagana

9. **Akeekolako (relative verb form) (-ee)**

Kano kawandiikibwa nga kalaga nti omuntu yeekolako ekikolwa era kalagibwa ne –ee era nga zino ziwandiikibwa oluvannyuma lwa nnakasigirwa enkozi ne kuddako ekikolwa. Eby'okulabirako

Yeekonye ekigere ne kijja omusaayi

Abadde alya ne yeeruma

Beetemye ne batwalibwa mu ddwaliro

Nneesaze akambe

## EMBEERA MU LUGANDA (MOODS)

Embeera z'ebikolwa mu luganda za mirundi etaano era ng'eno y'engeri ekikolwa gye kiyinza okukolebwamu. Zino ze mbeera

**Embeera eya bulijjo etaliiko kkomo**

Eno eraga ekikolwa nga kiri mu mbeera eya bulijjo nga si kyanjuluze. Eragibwa n'akabonero aka **'oku'** oba '**ku**' ku ntandikwa y'ekikolwa okugeza okufa, okusoma, okuyimba, okuzannya

**Eby'okulabirako**

Maama akooye **oku**fumba

Nyombi tayagala **ku**soma

Kalema **oku**lima akweyagaliramu

**Embeera eyakakwakkulizo**

Ebikolwa ebiri mu mbeera eno biba bitulaga ekintu ekirina okusooka okutuukirizibwa ekikolwa kibeewo. Ebikolwa bino bitandisa n'ebigambo oba ennyingo zino **singa -bwe -andi -aka**

**Eby'okulabirako**

**Singa** tufuna ssente tujja kugenda mu kibuga

**Bwe**tunaamusangayo tujja kumugamba

**Nandi** kuwerekeddenaye sirina anankomyawo

**Embeera eyookulagira**

Ebikolwa ebiri mu mbeera eno biba biduumira oba biragira omuntu okukola ekikolwa. Bwe tuba nga tulagira, tukikola mu muntu waakubiri yekka era ekikolwa kisembyayo ennyingo eya –**e**. Bwe kiba mu bungi

| **Omuntu** | **bumu** | **bungi** |
|---|---|---|
| Asooka | - | - |
| Owookubiri | soma | musome |
| Owookusatu | - | - |

**Eby'okulabirako**

**Mugende** musome!

**Yimba** bulungi ng'alina amagezi!

**Tambula** ng'omuntu omukulu!

**Embeera eyagaliza**

Ebikolwa mu mbeera eno biba byagaliza ate ebirala nga bisabira omuntu omukisa era biseembyayo n'ennyingo eya **–e**

**Eby'okulabirako**

Osul**e** bulungi mwana wange

Omukama akukuum**e**

Musom**e** bulungi

**Embeera endazi**

Eno eba etulaga ekikolwa nga kikolwa mu kiseera ekyo mwennyini omwogererwa era kisembyayo ennyingo eya **–a.**

Eby'okulabirako

Abaana bazanny**a** mweso.

Kizito alwan**a** ne munne.

Tuul**a** wansi.

## EMPEEKERA

Bino by'ebigambo ebiri awamu ebisukka mu kimu nga binnyonnyola erinnya oba ekikolwa ekiba mu ssentensi.

**Empeekera zaawulwamu ebiti bibiri**

1. **Empeekera nnakongezalinnya**
2. **Empeekera nnakongezakikolwa**

### Empeekera Nnakongezalinnya

Bino by'ebigambo ebiri awamu ebyongera okunnyonnyola erinnya eriba mu ssentensi

Okugeza

- Abaana **abaakubye ababbi** babasibye.
- Abawala **abatalina mpisa** tebasobola kunywerera mu bufumbo.

**Weetegereze**

- ❖ Ebigambo ebisaziddwako mu ssentensi bye bikoze ng'empeekera Nnakongezalinnya.
- ❖ Bw'oba osaza ku mpeekera Nnakongezalinnya otandikira ku kigambo ekiriraanye erinnya. Okutuuka ku ntandikwa y'ekikolwa ekyokubiri.
- ❖ Ebigambo ebisaziddwako nga Nnakongezalinnya ebiseera ebisinga bizingiramu erinnya.

- ❖ Enjawulo wakati Nnakongezalinnya n'empeekera Nnakongezalinnya eri nti, Nnakongezalinnya kiba ekigambo kimu ate empeekera Nnakongezalinnya biba bigambo nga bisukka mu kimu ate nga byo biri wamu. Wabula byonna biba binnyonnyola linnya.

### Empeekera Nnakongezakikolwa

Bino by'ebigambo ebiri awamu ebyongera okunnyonnyola ekikolwa ekiba mu ssentensi era zaawulwamu ebiti bitaano

**Ebika by'empeekera Nnakongezakikolwa**

**i. Empeekera Nnakongezakikolwa eyeempisa**

Eno ebeera ennyonnyola engeri ekikolwa ekiri mu ssentensi gye kikolebwa/ gye kikolebwamu era eddamu ekibuuzo ekya **tya?**

Eby'okulabirako

Omuwala atambula **asaawula engere** era abalenzi bamusekerera nnyo.

Twamusanze yenna ng'atunula **bigiigidde ng'embuzi ekaabira amalagala** ne twewuunya kyeyabadde.

ii. **Empeekera Nnakongezakikolwa eyensonga**

Eno ebeera ennyonyonnyola lwaki oba ensonga eziviirako ekikolwa ekikulu ekiri mu ssentensi okukolebwa era eddamu ekibuuzo kya **lwaki?**

Eby'okulabirako

Nagadya yannyiize **lwakuba twamuggyeeko ebintu bye baamuwadde.**

Omusomesa waffe teyazze ku ssomero **kubanga twagaanye okukola omulimu gwe yatuwadde.**

iii. **Empeekera Nnakongezakikolwa eyekiseera**

Eno ekozesebwa okunnyonnyola obudde ekikolwa ekikulu ekiri mu ssentensi lwekyakoleddwa, lwekikolebwa era eddamu ekibuuzo **ddi?**

Eby'okulabirako

Abagenyi baatuuse **tunaatera okugenda okwebaka** era tebaasanze kyaggulo.

Twava ku mbaga **nga bamaze okugabula** bwetutyo ne tudda eka.

iv. **Empeekera Nnakongezakikolwa ey'ekifo**

Eno ekozesebwa okunnyonnyola ekifo ekikolwa mwe kyakolebwa/ mwe kikolebwa oba mwekirikolebwa era eddamu ekibuuzo **wa?**

Eby'okulabirako

Ensimbi zange nnazisanze **gye yazikukulira wansi** nenziggyayo ne nzitwala.

Nja kukusanga **wansi w'omuti luli we twali** twongere okwogera.

Akatabo kange nnakasanze **waggulu mu lugoye lw'omufaliso** nga konna katobye.

v. **Empeekera Nnakongezakikolwa eyakakkwakkulizo**

Eno ebeera ennyonnyola nti waliwo ekirina okusooka okutuukirizibwa ekikolwa kiryoke kikolebwe era tweyambisa obugambo nga **singa, bwe**

Eby'okulabirako

Nja kukuyita **bwennaaba mmalirizza byenkola.**

Omwana oyo ajja kukubwa **singa taave ku bya kubba** bitabo bya banne.

**Weetegereze**

Enjawulo wakati wa Nnakongezakikolwa n’empeekera Nnakongezakikolwa eri nti NNakongezakikolwa kiba kigambo kimu ate empeekera biba bigambo ebiwerako.